# Abawanguzi ba

Bya KIZITO MUSOKE

ABAWANGUZI 116 ab'akalulu ka *Bukedde* aka ***Gabula Ssekukkulu mu Vayibu***, babugaanye essanyu nga bakwasibwa ebirabo bye baawangudde.

Baabukeerezza nkokola okujja ku *Bukedde* era zaagenze okuwera essaawa 4:00 ez'oku makya nga weema ejjudde balindiridde byassava.

Omukuŋŋaanya wa *Bukedde*, Michael Mukasa Ssebbowa yayozaayozezza abaawangudde na bonna abeetabye mu kalulu n'agamba nti bandyagadde okuddiza buli muntu abawagidde mu mwaka naye obusobozi tebabulina. Kye bava baakozesezza omukisa, bannamukisa basobole okuwangula.

" Naye abatabadde na mukisa kuwangula ku birabo omulundi guno temuggwaamu maanyi, kuba ffe buli musomi wa *Bukedde* abeera mwanguzi kuba olupapula olujjuddemu amagezi n'emikisa gy'okwekulaakulanya, okusanyuka n'okumanya ebiri mu nsi," Sebbowa bwe yagambye n'agattako nti buli lukya *Bukedde* aleeta ebintu ebiyamba omusomi, okugeza ebikwata ku by'obulimi n'amakubo amalala agaleeta ssente.

Yayongeddeko nti mu kiseera kino ebyengiriza mu katabo ka



Omu ku bawanguzi ng'asitudde ebirabo bye.





Omuwanguzi ng'atwala ebintu bye

# Gabula Ssekukkulu bakwasiddwa ebirabo



Micheal Mutama avunaanyizibwa ku bya bizinensi mu Star Times (ku kkono) ne Ssebbowa (ku ddyo) nga bakwasa eyawangudde TV.



Ssebbowa (ku kkono) ne Simon Maseruka owa Bukedde Fa Ma nga bakwasa Hussein Mutebi ow'e Kalamba – Kiganda mu Kassanda ekyapa ky'ettaka kye yawangudde. Kozesa Digital Experience App olabe vidiyo.

*PASS PLE*, babyongeddemu amaanyi nga kati tebikyakoma ku P6 na P7 bokka wabula baayongeddeko P4 ne P5 buli lwa Mmande oluvannyuma lw'okusabibwa abazadde ate ne ku Lwokusatu ne bongeramu ebya P.1, P.2 ne P.3 kubanga abazadde baagala omusingi omulungi okuviira ddala wansi ate nga *Bukedde* erina abasomesa abasinga obulungi mu ggwanga.

Ssebbowa yasiimye abavujjirizi abakwataganye ne *Bukedde* okuli;

- Star Times abaawaddeyo ttivi eziriko dikooda ekisowaani n'amasannyalaze g'enjuba
- Kkampuni egula n'okutunda ettaka eya B Clara H Property eyawaddeyo ekyapa ekisangibwa e Gobero ku lw'e Hoima
- Ugachick abatunda enkoko kawoomera era gy'olina okulya ku Ssekukkulu .

Samuel Kiwaalabye kitunzi wa Ugachick yagambye nti beegatta ku *Bukedde* ne *Vision Group* okusobola okwebaza n'okuddiza ku bantu balye ku nkoko esinga obulungi mu ggwanga. Yabakubirizza efuuke nkola yaabwe okulya enkoko okusinga okulinda okugiriira ku mugenyi oba okulinda ennku enkulu.

"Enkoko ya Ugachick esangibwa mu buli supermarket ekuli okumpi era toyinza kugamba nti yakubuze," Kiwaalabye bwe yagambye.

Michael Mutama avunaanyizibwa ku kitumbula bizinensi mu kkampuni ya StarTimes yagambye nti beenyumiriza mu nkolagana yaabwe ne *Bukedde* kuba ebayamba okwongera okutuuka ku bakasitoma ate n'omukisa gw'okuddiza ku bantu. "Ffe tuli ne *Bukedde* tuli beetegefu okukyusa obulamu bw'abantu okugeza nga tuleeta essanyu mu maka nga tuyita mu ttivi n'amasannyalaze ga sola," bwe yakkaatirizza.

Ye Herbert Sennyonga owa B Clara H abatunda ettaka yagambye nti kkampuni yaabwe ejja kusigala nga kyakulabirako kirungi mu nsonga z'ettaka ate enkolagana yaabwe ne *Bukedde* eyongera okubatuusa mu bantu era abantu ne beeyongera okufuna ettaka eritaliiko bbala. "Ayagala okugenda mu maaso alina kwekwata Bukedde ne B Clara H n'afuna ettaka ettuufu," Ssennyonga bwe yagambye.

Hussein Mutebi, ow'e Kalamba mu town council y'e Kiganda mu disitulikiti ye Kassanda ye yawangudde ekyapa ky'ettaka.


Miss Bukedde, Molly Nakkazi ng'akwasa omu ku bawanguzi.


Omuwanguzi ng'afa essanyu





Paul Mpaata ow'e Luwuuka ng'asitudde Ssekukkulu ye.